**26th July 2015.**

# YESU KRISTO KWE KUZUUKIRA N'OBULAMU I.

## OKUKKIRIZA OKUTUTAMBULIZA MU KUZUUKIRA N'OBULAMU.

**Yokaana 11.**

Nga tuli mu kitundu ky'enkyuuko mu kugera kwa Yokaana Omutume ku bulamu n'obuweereza bwa yesu Kristo, leero tulaba entikko y'obuweereza bwe mu kyamagero ekyaasinga okwaatiikiriza obuweereza bwe, nga kwe yasinziira n'okweyolesa omulundi ogw'okutaano nga "NDI", bwe yakakasa n'eky'okulabirako nti " Nze Kuzuukira N'obulamu.

Twaali twabuulirwa dda mu ssuula esooka nti "Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo; era awataali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa. Obulamu bwali mu ye; obulamu ne buba omusana gw'abantu."( 1:3,4).

Era entakera tuzze tulaba Yesu bw'akakasa nti awa bonna abamukkiririzaamu obulamu obuttaggwaawo.

Nga bwe twaasomesebwa mu ntandikwa y'enjiri eno mu nnyanjula, nti Yokaana. amanyiddwa ng'omutume w'okwagala, olw'okwogera ku kwagala emirundi nga 80 mu biwandiiko bye mu baibuli, era amanyiddwa ng'omutume w'amazima, olw'entakera gy'ayogera ku mazima, naye emirundi nga 100, agamba abasomi be ku kukkiriza, n'olw'ekyo mu ku biwumba awamu, tukitwaala nti ayagala tukkirize amazima, tuyingirizibwe mu ntabagana y'okwagala ne Mukama Katonda waffe.

Bwe tulaba mu nkomekkerezo z'obuweereza bwe obw'olwaatu Okukkiriza, N'okwagala nga bilukibwa mu ssuula eno n'okukkaattiriza amaanyi g'abyo eri okutuukirizibwa kw'okwagala(will), kwa Mukama Katonda waffe gyetuli.

Kye kinaatweetaagisa okusomesebwa ku byombi mu ssuula eno, leero nga tulaba **"Okukkiriza okututambuliza mu Kuzuukira N'obulamu"** ate n'oluddako tulabe **"Okwagala okutubeesa mu Kuzuukira N'obulamu."**

*Tusome…..*

Mu kufuba kwe okussa essira ku kukkiriza, tulaba nga Yesu yayagala okwongera okukkiriza kw'abayigirizwa be mu yye, awamu n'okwongera okukiiriza

kw’aminywanyi gye mu yye, awamu n’okussa okukkiriza okunyweevu mu Bayudaaya mu yye, nga bwe yalina obuwanguzi ku kufa, n’ekyokulabirako ky’okuzuukiza Lazaalo mu bafu oluvannyuma lw’ennaku nnya…., kubanga nga Paulo Omutume bw’agamba mu Bakk.I 15:26, nti mazima Yesu Kristo yawangula okufa okwaali obulabe bw’omwana w’omuntu obusembayo, era ne yeyongera okwewaana mu nny. 54,55 nti ………….

N’olw’ekyo tulaba okukkiriza okuwanguzi okutwaala byonna ebisukkuluma kuffe eri Mukama, n’obweesige nti y’abisobola………

Kwe kukkiriza okwesiga nti Mukama katonda alina obuyinza ku buli mbeera z’obulamu bwaffe, era nti buli kimu kikola ku lw’obulungi bwaffe...(Bar. 8:28), “Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.”
Okukkiriza okuwanguzi kuno tekukugira Mukama Katonda, kumutwaalira ddala nga yayinza byonna……..

Kuno kwe kukkiriza okukkiririza mu bisuubizo bya Mukama byonna, eby’omunkomerero ng’ebituufu ddala, byalituukiriza obulungi……
Kyokka bikwasaganya amazima g’okubikkulirwa kwa Mukama mu buliwo ng’okutuukirizibwa kw’okwagala kwe mu buliwo……..
Okukkiriza okuwanguzi kw’ekwo okw’ekulunguliza ku Yesu Kristo, ne kumussaako essira ly’entunuuliza y’akwo (focus), [Tagamba nti nze mpa obulamu – wabula nti nze bulamu]

N’ekirala kwe kukkiriza okukkiririza mu bye kumanyi, ne kukula okuva awo…
Ekifuula okukkiriza kw’akaladaali okukozi kw’ebyewuunyo ssi kipimo ky’akwo wabula ekyo/oyo kwe kusiinziira okubaawo……..
Tulina okweesiga okuteesa kwa Mukama( okwagala kwe)(will), Ne tweesiga amaanyi ge okusobola okkukola, ate ne tweesiga ekiseera ky’okutuukiriza okwagala kwe gye tuli( God’s timing).
Era okutwaaliza awamu okukkiriza okuwanguzi kw’ekwo okukwaasa ebisuubizo bya Mukama mu buliwo ku lw’ekitiibwa kya Mukama. Mu mbeera laba ekitiibwa ekigwaanidde Mukama, sso ssi … ‘Okulwaala’, ‘Okufa’, oba ‘Okuwunya’….
Ekitiibwa kya Mukama kwe kubikkulirwa kw’embala ze zonna mu mbeera zaffe.